ENNYINGO - 7

OBUTABANGUKO MU BUGANDA MU 1940s

7.1 Okweyongera mu maaso n'emirimu gye mu Gavumenti

PK yeyongera okukolera Gavumenti enkuumi era emirimu gye negisiimibwa bulungi. Ensimbi ez'omusaala nga afunira ddala eziwera. Abenganda n'abemikwano bangi abeyuniranga awaka e Makeerere. Ate Katonda yali amuwadde omwoyo omugabi. Kigambibwa nti kumpi buli lwa Sande nga e Makeerere wabawo ekijjulo, PK ne ENK ne bagabula buli muntu, ka abe wa kika, wa mukwano oba wadde n'oyo abadde azze obuzzi okusoma mu Kanisa eyali okumpi awo - nga yenna ayanirizibwa, n'alya, n'anywa ne yeggala. Nga emmere bweba temaze, basuulawo endala eya amangu okuliisa abantu. Abasuze nga basula. Bulangiti nga beebikka. Enkeera, oyo eyagambanga nti eka ewuwe talina bulangiti, nga ayinza okutwala eyo gye baamuwadde okwebikka.

7.2 Eby'Obufuzi mu Buganda

Ebiseera ebirala PK nga bwataba ku mirimu gya Gavumenti, oba gya Kanisa, aba mu bya bufuzi, nga omulwanirizi w'eddembe ly'omuntu wa bulijjo, amazima n'obwenkanya. Yalwanirira nyo Abakopi, Abalimi, Abasuubuzi, Abakozi mu Gavumenti n'abo bonna abaali banyigibwa obufuzi bwa Gavumenti enkuumi. Engeri gye yali akolera mu office ya Resident Buganda nga Omuwandiisi omukulu ate era omutaputa w'ebiwandiiko bya Gavumenti ebikulu, yamanyanga bingi ebifa embuga. Tekimanyibbwa oba PK yaliko memba w'ekibiina ky'Abataka (**Bataka Movement No. 1**) ekyatandikibwawo eyo nga mu 1922. Ekimu ku bigendererwa by'ekibiina ekyo kwali kusaba kuddiza Abakopi n'Abakulu b'Ebika ettaka lyabwe eryali libanyagibbwako mu Ndagaano y'Olwenda (1900 Agreement), eyakolebwa wakati wa Nabakyala wa Bungereza ne Kabaka wa Uganda (Buganda). Kyokka kimanyibbwa nti PK yali muwagizi mukuukutivu, newankubadde si memba, ow'ekibiina "**Baana ba Kintu**". Ekibiina ekyo kyatandikibwawo mu 1938 okubudaabuda abalimi n'abasuubuzi Abaddugavu mu by'enfuna, naddala okutunda ebirime byabwe ku miwendo emituufu, egitali gya kibbi egya wansi, naye egya waggulu nga bwekisaanidde. Ekigendererwa ekirala kyali kusala mpenda kwemaamulako nawokeera w'Omuyindi, mu kiseera ekyo eyali amaamidde obusuubuzi mu byalo, n'okusunsula pamba. Kyali kikubirizibwa Mwami Ignatio Musaazi. Omutaka James Kivu eyaliko omukulu w'Abakozi naye yali omu ku bakulu mu kibiina kino. Abamu ku balala abaali mu bibiina bino be baami Spartas Mukasa Sebbanja (eyaliko omukulu wa Orthodox Church mu Uganda), Mukasa Sepuuya (Spire), Samson Bazongere (yaliko ow'essaza Kaggo), Semyoni Njuki (yaliko ow'essaza Mukwenda), Haji Alamanzaani Gaanya (eyali omumyuka wa Katikkiro Martin Nsibirwa). Oluvannyuma nga bwetunaalaba, PK yali memba lukulwe ow'kibiina ky'Abataka (**Bataka Movement No 2**), ekyasikira kiri ekyasooka - kino nga bakiyita "**Bataka Uganda**" oba "**BU**" mu kusalako. Kino kyatandikibwawo mu 1946.

Okutandikawo ebibiina bye by'obufuzi bino tekwali kwa mirembe buli kaseera. Ensonga nti byali bikolokota n'okuwakanya enfuga ey'obumbula eyali yefaananyirizaako ey'ekikoloni (colony), songa Uganda yali ekuumibwa bukuumibwa (protectorate). Ate oluusi nga bikolokota n'abamu ku bakungu n'abaami ba Ssabasajja, naddala abo abaali baganyuddwa mu kugaba ettaka okwali mu Ndagaano y'Olwenda. Ekyo kyaleetera abo abaali ba lukulwe mu bibiina ebyo okuba mu mitawana. Abantu abamu bagamba nti abo abaabirimu baali balwana lutalo lwa kwefuga, abalala nti baali bajeemera Gavumenti ya Ssabasajja wa Bungereza. Bwatyo ne PK, nga ali wamu ne banne abaali baddukanya

Baana ba Kintu, yenyigira mu busasamalo n'obwediimo obwaliwo mu 1945. Kino ne kibaviiramu okubasiba n'okuwangangusibwa ne batwalibwa ebweru w'Obwakabaka bwa Buganda, mu bitundu ebirala ebya Uganda. Nga bwetumaze okulaba waggulu, PK yali Kawonawo w'Olutalo Ssematalo olwasooka (World War I veteran). Okusibwa n'okuwangangusibwa kuluno mu 1945 yakubala nga Olutalo olwokubiri lweyali alwana. Mu lusooka yali alwanirira Bungereza n'amatwale gaayo; mu luno yali alwanirira nsi ye Buganda.

7.3 Ensonga ezavaako okuwangangusibwa kwa Paulo Kiyingi

Okusooka byonna, waaliwo okutya kungi mu Baganda nti Bungereza yali eyagala kugatta Buganda (ne Uganda) ku Kenya ne Tanganyika, mu kimmemmette kya Federesoni ya East Africa, n'oluvanyuma bagikyuse eyitibwe British East African Dominion. Nga ekyo ekikola okwongera okunafuya, kabe ka singe n'okusaanyawo, Obwakabaka bwa Buganda. Ensigo zaali zimaze okusigibwa, mu bulyake, Bungereza bweyali eraze mu kukola Endagaano y'Olwenda, abalumirwa Buganda gyebaali bennyamira ennyo. Baali balabye ebyali bituuse ku bantu be Kenya nga Bungereza ebamesseeko etteeka eribajjako obuyinza ku ttaka lyabwe. Etteeka eryo lyebaayita "The Resident Native or Squatters Ordinance - 1918" mbu lyali likkiriza amakampuni ag'ebweru okuteeka ebyokukulaakulanya Kenya ku ttaka wonna kampuni eyo weba eyagadde mu Kenya, awatali kukubibwa ku mukono. Nga bannansangwa be Kenya tebakyalina buyinza ku ttaka lyabwe; buli mu mikono gya Bazungu. Abamu bagamba nti bannansangwa be Kenya abo baalinanga n'okukolera Abazungu, nga abaddu, okumala ennaku 180 buli mwaka. Ate nga Nansangwa okusenga ku ttaka ly'Omuzungu aba alina kusooka kufuna lukusa okuva ew'omulamuzi wa kooti. Paulo Kiyingi yali ebimu ku bintu ebyo abirabyeko n'agage nga ali e Kenya mu Ssematalo eyasooka, ate era n'omwaka gwe yamalayo nga akolera e Voi. Bo Abangereza bagamba nti baali bagaziya byanfuna (economic development). Era enkola y'emu Abazungu gye baali bakozesa mu nsi endala nga Southern Rhodesia (kati Zimbabwe), Nyasaland (kati Malawi) ne South Africa.

Okugatta ku ekyo, waaliwo olugambo olwayita nti Bungereza yali eyagala kuleeta ba kawonawo b'Olutalo Ssematalo owokubiri (World War 2) ebawe ettaka basenge mu nsi yaffe Buganda.

Ensonga endala yali yekwanaganya n'ettaka eriri ku lusozi Makeerere okuli Ekkanisa ya Church of Uganda (mu kiseera ekyo yali ya Church Missionary Society). Gavumenti enkuumi yayagala okutwala ettaka eriri ku lusozi Makeerere egaziye University n'okuzimbako ekitongole ekikola ku byokutumbula Pamba (British Empire Cotton Corporation). Ettaka eryo lyaliko abatuuze abalala aba bulijjo, nga Paulo Kiyingi. Ate era mu kiseera ekyo kye kimu Gavumenti ya Bungereza yali eteekateeka okutwala ettaka lya Kabaka, Mailo 9000 ekagatte ku Mailo akanaana (8000), lyonna libe ttaka eryali lirabirirwa Gavumenti ya Bungereza enkuumi (Crown oba Public Land).

Kati nno ennamusa okutuuka ku nyooge, kyava ku Bazungu ba Gavumenti enkuumi kwagala Olukiiko lwa Buganda luyise etteeka eriwa Gavumenti enkuumi, nga eyita mu Ssabasajja, ebeetu okugula oba okufuna ettaka wonna weba eyagadde mu Buganda, awatali kubuuzibwa oba kukubwa ku mukono. Mbu kino nga kikolebwa okwongera okutumbula ebyenfuna mu Buganda, nga bwe baali bakoze e Kenya. Ku bye Makeerere, abataka be Makeerere baayitibwa mu lukungaana awo mu Kampala Technical School nga 14 Apuli 1944 banyonyolwe ensonga ezifa ku ttaka lyabwe, awamu n'etteeka eryali libindabinda. Omumyuka wa Katikkiro Mw Kintu, n'omukulu ava mu kitongole ky'ettaka Mw Dungu be baakiikirira Gavumenti ya Ssabasajja. Mw Bessell ye yakiikirira Resident Buganda, era

yayogera ebintu bingi. Abataka be Makeerere tebaamatira, bo etteeka ne baligaanirawo. Ensonga nezijulira Olukiiko lwa Buganda. Nayo kirabika abateesa abasinga tebaawagira kya kukaka Bataka be Makeerere kutunda oba kuva ku ttaka lyabwe nga tebeesimidde. Gavumenti enkuumi yagezaako obukodyo bungi okuttuza etteeka ly'ettaka eryo eryali lyefaananyirizaako ne lyebaali bataddewo e Kenya mu 1918. Obutafaanana banna-Kenya, yasanga Abaganda amaaso batemya bukofu, nga emitima mikakanyavu nnyo. Waaliwo abaami nga Ham Mukasa eyali Sekiboobo ow'essaza Kyagwe, eyalaajanira ennyo etteeka eryo, n'atuuka n'okuyita abo abaali batasemba kuwaayo ttaka lyabwe kugaziyirizaako University nti tebalina mwoyo gwa gwanga, mbu bafunda mu ndowoza era beenoonyeza byabwe. N'atiisatiisa nti kale University bayinza n'okugitujjako ne bagitwala mu nsi endala. Oyo Abataka be Makeerere baamussa kasiiso, nti bwaba teyenoonyeza bibye afuuse mukongozzi wa mandwa ya Bazungu, mweyogerera. Bo nga banyweredde ku kimu: butakkiriza kuwayo ttaka lyabwe. Baali bakikenze nti okukkiriza okuwayo ettaka lyabwe ye yandibadde entandikwa y'okutunda Buganda, n'okufuula Abaganda abaddu mu nsi yabwe, okwefaananyiriza ne Kenya, Rhodesia ne South Africa. Baali balaba nti Gavumenti yali emaze okugula (mu bubbibbi) yiika ze ttaka nsanvu (70 acres) okuva ku Samwiri Mukasa eyaliko Kangawo ow'essaza Bulemeezi. Ettaka eryo nga lirinaanye era nga liyunga bulungi ku ttaka Mbogo lyeyali yaguz'edda Gavumenti, University kweyali ezimbiddwa, e buvanjuba ne mu maserengeta g'olusozi Makeerere. Mu kifo kyokugaziya University nga bakozesa ettaka eddene lyebaali balina, nga omwo mwe muli ne lyebaali baguze ku Kangawo Mukasa, baali baluubirira liri naddala eliri ku ntikko y'olusozi okwali e Kanisa, n'okutwaliramu ebugwanjuba n'amambuka g'olusozi. Olwo balyoke bamaamire olusozi Makeerere lwonna, nga ne ntikko bagitwaliddemu. Abataka be Makeerere baali tebawakanya kya kugaziya University, nedda nedda. Kyebaali bawakanya kye kyokubajjako ettaka lyabwe nga tebeesiimidde, n'okujja enyumba ya Katonda okuva ku ntikko y'olusozi, okujizza mu kikko awatali nsonga nnene. Kyokka nga okusinga byonna kwali kutaakiriza ttaka lya Buganda butawebwayo eri muzungu mu ngeri abaddugavu be Kenya, South Africa, Rhodesia ne Nyasaland gyebaali bawaddeyo ettaka lyabwe, ne bafuuka abaddu mu nsi zaabwe. Era olaba nti na guno gujwa, we mpandiikira, nga abaddugavu/bannansangwa be Zimbabwe (eyali Southern Rhodesia) bakyalwanirira ttaka lyabwe eryabanyagibwako Abazungu mu mateeka agafaananako ne lye baali baagala okuleeta e Buganda.

Kanaluzaala ajja nga Gavumenti enkuumi emaze okulaba nga waliwo enkalu n'okugiwakanya okwamaanyi ku Mailo ze ttaka akenda (9000) eza Kabaka, ne ttaka lye Makeerere kweyali eyagala okugaziyiriza University n'okuzimba Empire Cotton Corporation. Era nga n'abamu ku baami n'abakuza ba Kabaka (nga ne Kattikiro Samwiri Wamala mwomutwalidde) baali tebakkiriza kikolwa ekyo. Gavumenti yagoba Katikkiro Samwiri Wamala okuva ku bwa Katikkiro, olwobutawagira tteeka lya ttaka lyeyali ereeta nga eyagala Olukiiko lwa Ssabasajja luliyise. Mu kifo kye n'ezza Martin Luther Nsibirwa ku bwa Katikkiro (ono yali abulekulidde mu 1941 ku nsonga za Namasole wa Chwa okukkirizibwa okuddamu okufumbirwa). Nsibirwa oyo yali nnyo mu nkwawa z'Abazungu ba Gavumenti enkuumi, era ye yali ajja okusendasenda Kabaka Muteesa, eyali akyali omuto, awamu n'abamu ku baami be bakkirize okussa emikono ku kiwandiiko ekyali kiwayo ettaka eryo. Era ono olwadda ku bwa Katikkiro nga asiba Lukiiko kantuntunu kuyisa kiwandiiko ekyo. Kyali kikkiriza oba kiwa obuyinza Gavumenti enkuumi, nga eyita mu Gavumenti ya Ssabasajja e Mengo, okunyakula oba okugula ettaka lyonna lyeba eyagadde, ssinga liba lyetaagibwa "okukolerako ebigasa eggwanga". Olwo Abazungu baali batuuse okwetaayiza ku ttaka lya Buganda nga bwe baagala.

Nga abawandiisi be byafaayo abamu bwebagamba, okumala gakola kino ku mbeera nga bwe yali mu nsi tebaamala kubalirira maanyi ga muntu wa bulijjo we gaali gatuuse.

Abantu baatandika okwagala wabewo enkyukakyuka ezaamaanyi mu Buganda. Nga baagala abantu beerondere butereevu ababaka baabwe mu Lukiiko e Mengo. Nga baagala wabeewo enkyukakyuka mu bukulembeze obw'okuntikko mu Gavumenti ya Ssabasajja, gamba nga Katikkiro Martin Nsibirwa n'Omuwanika Serwano Kulubya. Nga baagala emisaala gy'abakozi gyongerweko. Nga baagala emiwendo gy'ebirime gyambusibwe, kisobozese abantu okuwona obwavu obwali bweyongedde. Okwo bwe baagattako n'ensonga ya Namasole wa Ssekabaka Chwa II, Irene Drusila Namaganda, okukkirizibwa okuddamu okufumbirwa, leero negubula asala.

Abantu baakungaanira ku kayanja ka Kabaka e Mengo, gyebaava okugenda ku lubiri okuwakanya ebyo byonna ebyali bigenda mu maaso. Olwo nga abaami ab'Amasaza n'Amagombolola beetemyemu wabiri - nga waliwo ekitundu ekiri ku ludda lw'abantu abawakanya, ate nga ekitundu ekirala kisemba Gavumenti. Abantu baagumba wabweru w'olubiri awo mu luggya nebamalawo enaku ezaawera, nga baagala kulaba Ssabasajja. Omuzungu eyali akulira Police ya Uganda yajja n'abalagira baamuke ekifo ekyo. Kyokka bo abantu ne bagaana. Ekyaddirira Police yakozesa amaanyi gaayo okusobola okubagumbulula . Yabakubamu omukka ogubalagala (Tear Gas) era n'ekozesa ne mundu abantu ne basaasaana, ekyaviiramu Akeediimo oba Akasasamalo Namba munana (8), eyo mu makkati ga Januali 1945. Mu kusaasaana kw'abantu abo abaali bamaze okujjula obusungu, baatandika okugenda nga boonoona ebintu, okwokya amayumba g'abaami abataali ku ludda lwabwe n'okubakola ebyobukambwe. Embuga z'Abamasaza: Ssebwana e Busiro, Kangaawo e Bulemeezi ne Sekiboobo e Kyaggwe, zigambibwa nti zaayokebwa.

Akasasamalo ako nga kamaze okusaasaanira Obuganda, nga abantu bagenda bookya embuga z'Amasaza n'Amagombolola, n'okukola eby'effujjo ku bantu bannaabwe, Gavumenti yaleeta amagye ga K.A.R. (King's African Rifles) nga egajja e Jinja okujja okuzza ebintu mu nteeko nga bakuuma ebifo ebikulu, embuga z'Amasaza n'Amagombolola, abantu n'ebintu byabwe.

Akasasamalo wonna mu Buganda kagenda okuggwa nga abantu bawera MUNAANA (8) n'Omuyindi omu abakafiiriddemu, 14 nga batuusibbwako ebisago ebyamaanyi. Omuwanika Serwano Kulubya yawalirizibwa okusaba okuwummula, nga abantu bamuli bubi baagala kumutta olw'okubayita ebinyeebwa ebibimba ne bikka.

Ebyava mwebyo byonna, abamu ku bantu abakulu, gamba ng'Omulangira Ssuuna, munnakibiina Ignatio Musaazi, awamu n'Omutaka Kivu Ndifiirakumazima, baakwatibwa era oluvannyuma ne bawangangusibwa olw'ebyobufuzi *(political detention).*

Nga wakayita ekiseera kitono nga abantu abakulu abo bamaze okuwangangusibwa, Katikkiro Martin Luther Nsibirwa yatemulwa bweyali akedde ku Kanisa okusaba mu Lutikko e Namirembe ku makya ga Sebuttemba 5 mu mwaka ogwo 1945. Ku Kanisa awo wenyini mu lugya, nga oyolekedde omulyango omunene Wankaaki oguyingira mu Kanisa, yasangawo omusajja gwebayita George William Senkaatuuka. Bwe baali babuuzaganya bwebati, omutujju eyamutemula kwekumusindirira amasasi mu kyenyi agaamuttirawo mbulaga. Omutujju teyamanyika bulungi, kyokka ab'obuyinza baakwata Mw Ssenkaatuuka nga alowozebwa okuba nti yali amanyi ku bikwata ku kutemulwa kwa Katikkiro Nsibirwa. Yavunaanibwa omusango gw'okutemula Katikkiro oba okuba nti yali amanyi ku lukwe lw'okumutemula. Bwatyo n'awozesebwa mu mbuga z'amateeka, n'asalirwa omusango gwa kufa. Ye yawanikibwa ku kalabba olw'okutta Katikkiro Nsibirwa, naye na guno gujwa tewali amanyidde ddala ani yatta Nsibirwa.

Mu kikwekweto ekyaddirira okutemulwa kwa Nsibirwa, awamu n'ebirala bingi ebyali bibaddewo nga bireese obusasamalo n'obwediimo mu Buganda, wassibwawo okubuuliriza okwenjawulo ate nga kwa maanyi okwakolebwa Gavumenti ya Bungereza enkuumi, nga kirowozebwa nti wandibaawo olukwe olw'amaanyi olwetabwamu abantu abaali bawakanya etteeka lya Gavumenti enkuumi lye yali ereese erikwata ku ttaka. Nti era abantu abaali empagi mu kuwakanya okwo kwonna okwali kukolebwa buli kintu kyeyaleetanga bandivaako emitawana egyo gyonna. Bwetyo kwekusalawo okwongera okukwata abantu abalala kkumi na bana (14), Paulo Kiyingi ne banne, nabo nebawangangusa mu kibinja ekyabwe. Kino Gavumenti enkuumi yakikozesa nyo okujja ba lukulwe (ringleaders) b'obusasamalo oba obwediimo mu bantu, nga esuubira nti abasigaddewo bajja kusanyalala. Ate kino yakikolanga abantu abo temaze na kubawozesa. Naye nga bwe bagamba nti "Awakula ennume tewakula emu", bajjangawo bano abalala nga bamerawo, nga butiko. Era ebintu byonna okugenda okukkakkana nga etteeka ly'ettaka, olukiiko lwe lyali luyisizza nga Nsibirwa akyali Katikkiro, nga teriteekebbwa mu nkola. Abazungu baatya amaanyi g'omunnansi ku nsonga eno. Obukodyo bwonna bwe baali bakozesezza ne bugwa kya bugazi. Kyokka ka tumale okulaba abazira bano ba Mwoyo Gwa Gwanga bwe baabawangangusa.

7.4 Okuwangangusibwa

Abantu be baakwata ne Paulo Kiyingi olw'okuwakanya okutwala ettaka ly'e Makerere, okuwakanya etteeka ly'ettaka eriwayo kyere ettaka lya Buganda eri Abazungu, n'okutemulwa kwa Katikkiro Nsibirwa mu Sebuttemba 1945, be bano:

1 Joshua Kamulegeya: Yali Mugema, Omukulu w'ekika ky'Enkima era nga ye Jjajja w'Obuganda.

2 Daudi Musoke Mukubira - Omutaka we Makeerere: Yali musuubuzi, nga era ye mukulu wa Baganda Co-operative Society

3 Semyoni Njuki - Omutaka we Makeerere: Ye yali Mukwenda ow'esazza lye Ssingo.

4 Samson Bazongere - Omutaka we Bbajjo: Ye yali Kaggo ow'essaza lye Kyaddondo.

5 Temusewo Sserwadda - Ye yali ow'e Gombolola Mutuba IX e Kyaggwe

6 Yusufu Mulindwa - Omutaka we Namataba: Yali musuubuzi, omuyizzi omwatikirivu, era omukugu mu kukuba sabbaawa.

7 Henry Kanyike - omusomesa: Ye yali omukulu w'essomero lya ba mwoyo gwa gwanga Aggrey Memorial School, eritendeka emiti emito.

8 Haji Alamanzaani Gaanya - Omutaka we Makeerere: Yaliko Katambala ow'essaza lye Butambala. Era yali mumyuka wa Katikkiro ku Wamala ne Nsibirwa

9 Stanley Kitaka Kisingiri - Mutabani wa Zakaliya Kizito Kisingiri - eyaliko omukuza/Regent wa Daudi Chwa. Yali mukungu wa Kabaka, mukoddomiwe era omuwiwe owa magezi.

10 Sirasi Martin Musajjalumbwa - Mutabani wa Kijje, Omukulu w'ekika ky'Empewo.

11 Yusufu Baamutta - Ye yali omuguzi wa ppamba omuddugavu eyasooka.

12 Shemu Spire (Sepuuya) Mukasa.

13 Matiya Wamala - Ye yali ow'e Gombolola Mutuba II e Bulemeezi.

14 Paulo Kikwanguyira Kiyingi - Omutaka we Makeerere. Ye yali omuwandiisi omukulu mu office ya Provincial Commissioner/Resident Buganda.

7.5 Ekibinja ky'abalala nabo Abaawangangusibwa mu kiseera ekyo

Bano beebaasooka okukwatibwa, oluvannyuma lwa Akasamalo Namba munaana (8) akaakulembera okutemulwa kwa Nsibirwa:

1 Ignatio Kangavve Musazi - Omutaka we Nakaseke. Ye yali omukubiriza w'ekibiina "Baana ba Kintu" mu kiseera ekyo.
2 Joshua Kivu Mavumirizi Ndifiirakumazima - Yali mukozi ate omuvuzi wa motoka, nga y'akulira ekibiina "Uganda Motor Drivers Association" eky'abakozi.
3 Fenekansi Musoke - Yali mu bibiina byegassi.
4 Bulasiyo Kayongo - Yali mu bibiina byegassi.
5 Omulangira Yusufu Ssuuna -e Kabowa: Omwana we Ngoma ya Buganda, muto wa Ssekabaka Chwa II.
6 Samwiri Wamala - Ye yali yakagobwa ku bwa Katikkiro, amale asikirwe Martin Nsibirwa.

7.6 Okukwatibwa kwabwe

Baakwatibwa mu mwezi gwa Sebuttemba 1945. PK mu kiseera ekyo yali akola wa Resident Buganda nga bwetulabye waggulu. Mu mwezi ogwo nga ennaku z'omwezi 9 Sebuttemba, olunaku lwali lwa Sunday, banne ekkumi n'abasatu 13, baakwatibwa. Kyokka ye PK yakwatibwa ku Monday bweyali agenze ku mulimu okukola. Kwolwo ku Sunday teyasobola kugenda kusaba mu Kanisa nga bweyakolanga bulijjo, wabula yasiiba waka nga ayaza ebiwandiiko bye, kuba yali amaze okuwulira ku mpuluwujju y'okukwatibwa kwa banne abo. Engeri gyeyali akola mu Gavumenti y'Abazungu, yalina ebyama bingi byeyali amanyi ebyayambanga ba mwoyo gwa gwanga (nationalists) okulwanyisa abakoloni n'abaami bannakigwanyise. Kigambibwa nti ebiwandiiko ebimu yabikweka akawungeezi ka Sunday eyo.

Enkeera ku Mande (10/09/1945), okutuuka ku mulimu yasanga kabaluwa akamuyita nga kamutegeeza okugenda ewa mukamaawe. Bweyatuuka eyo mukamaawe yamugamba bugambi nga bweyali yetaagibwa ku Central Police Station (CPS), mu kiseera ekyo eyali mu kibangirizi kati ekirimu Bank of Uganda ku Kampala Road.

7.7 Okukwatibwa kwa Paulo Kiyingi

Nga atuuse ku Police yeyanjula, era amangu ago nawebwa olupapula olumukwata (Arrest Warrant) alusome. Nga amaze okulusoma yalagirwa alusseeko omukono, ekitegeeza nti olwo yali amaze okukwaatibwa. Era ekyo nga kiwedde yawebwa olupapula olulala olumulagira okugenda okumwaza (search warrant) mu makaage, era nalwo n'alussaako omukono. Amangu ago omuzungu omuserikale yamussa mu motoka ya Police awamu n'omuserikale omuddugavu ow'emmundu amukuuma ne bagenda e Makeerere mu makaage okumwaza. Yasanga mukyala we ENK n'amutegeeza nga bweyali akwatiddwa, era nga beyali nabo bwe baali bazze okwaza amaka gaabwe. Bwatyo kwe kumulagira aggulewo ennyumba baaze. Amangu nga bamaze okwaza era nga bajjeemu ebiwandiiko bye baali beetaaga, baamulagira asibe ebintu bye, omufaliso, bulangiti awamu n'essuuka. Bwebatyo ne babissa mu motoka ne bamutwala mu kkomera e Luzira. Enkwatibwaaye eno yanyiiza nnyo PK, olwa mukamaawe obutamubuulira kiki kyali kigenda kumutuukako - kyeyayita okumulyamu olukwe. Kyokka bw'atuusibwa e Luzira yasanga banne ekkumi n'abasatu (13), be baali bamaze okukwata eggulo limu, nga bonna bali eyo, era ne basanyuka okusisinkana.

7.8 Nga bali mu kkomera e Luzira

Bakyala babwe nga beegasse wamu baawakanya nyo ekikolwa ekyokukwata abaami babwe ku lunaku olutukuvu olwa Sunday, era nebawandiikira ne Bishop Stuart ow'Obulabirizi bwa Uganda, Rwanda, Burundi ne Congo-Mboga, nga bawakanya ekikolwa ekyo. Baasaba n'okubamanyisa emisango egibavunaanibwa. Beyongera nebawandiikira ne Gavana Sir John Hawthorn Hall, nga naye bamusaba abamanyise emisango egyali givunaanibwa ba bbaabwe. Ono teyabaddamu. Tebaakoma awo wokka, naye era baawandiikira ne Resident Buganda nga bamusaba bakkirizibwe okulabanga ku baami baabwe awamu n'okubafumbirangayo ku mmere ey'okulya. Ekyo kyo baakikkirizibwa. Naye ebibuuzo ebikwata ku nsnga ezaasibisa abaami baabwe tebyaddibwamu. Bwebatyo baakunganyanga oluusi abaana babwe ne emikwano gyabwe ne bagendanga okubalaba, ku naku zebaali babakkirizza okubalabirako.

7.9 Embeera y'ekkomera

E Luzira baamalayo ebbanga erikunukkiriza mu myezi esatu nga basibibbwa awatali kuwozesebwa (*detention without trial*). Ennaku 18 ezasooka mu kabulamuliro tebaalabanga ku njuba oba kwota ku musana. Nga bamala essawa 22 buli lunaku mu kizikiza. Nga basula ku seminti wansi awo, webayalanga emifaliso ne bulangiti buli omu gyeyali yereetedde okuva mu makaage. Bangi ku banne ba PK abo baalwala nyo. Daudi Musoke Mukubira yalwala omusujja n'okusesema; Joshua Kamulegeya yalwala enkalamata (?diabetes) eyavaamu okumulagira okufunanga empiso satu buli lunaku; Sirasi Musajalumbwa yalwala omusujja okumala enaku nnya; Yusufu Mulindwa yalumbibwa amayute negamulumisa omusujja; Shem Spire Mukasa yalwala omusujja okumala ennaku mukaaga; Samsoni Bazongere yalumbibwa ki yegu (influenza) ne kimujooga nnyo engeri gyeyali n'omulwadde w'olufuba (asthma); Semyoni Njuki naye yalumbibwa ki yegu n'omusujja okumala ennaku nnya n'assuuka.

Ekigambo ky'okubasiba mu kisenge eky'ekizikiza okumala esawa 22 buli lunaku kyabaluma nnyo. Olwensonga eyo n'obutamanya nsonga yali ebasibya, bawandiikira Governor ebbaluwa eno:

His Majesty's Central Prison
Luzira, Uganda
14th September 1945

His Excellency, The Governor in Council
Entebbe

Your Excellency,

We the undersigned detainees and deportees do most humbly beg to petition your Excellency to reconsider our position and give sympathetic consideration to this our humble petition. As we understand by our arrest warrants, we are being detained and deported under the Deportation Ordinances, under which ordinances, if we are well informed a person is deported after the Governor is satisfied with the evidence submitted to him on oath that the person against whom the oath is made is dangerous to stay at large in the country. Your Excellency as we presume that all of us had sworn evidence before you concerning our behaviour, we are now requesting you to review our cases either

individually or collectively, as will be appropriate to mate out justice, to which justice we trust we are entitled as British protected subjects. It is clear your Excellency that the working of the ordinance as it stands, is very difficult to understand. If it were allowed operation in a more civilised country than this one it would perhaps have been at least slightly tolerable. Its unfairness is obvious in a country such as ours, for reasons such as these: The inhabitants of this country, together with our chiefs cannot at our level of development be very much imbued with a very high sense of justice or morality. Such a sense of justice has been found to be lacking even in the highly civilised countries such as Germany and Italy. It is only in England and possibly in America that a very high degree of justice is enjoyed. It would thus be expecting too much to rely upon secrete evidence given by our compatriots to your Excellency. It is quite natural for people of different races not to undersatnd the mentalities of the people of other races, especially if and when the standards of civilisation are so considerably different as ours and your Excellency's are. We have grown and generally mixed with your Excellency's informants nearly all our lives. Therefore there exists many social, political or educational complexities and misunderstandings among ourselves and those informants, which are very hard to understand. It is therefore quite easy for some people to seize the golden opportunity offered by the ordinance to revenge upon, trust or eliminate their social or political opponents. In view of such difficulties your Excellency, we humbly request that our position be given sympathetic consideration, in the interest of justice. We should be grateful if we were given an opportunity to defend ourselves, and then justice will be meted out in the interest of everybody. This we humbly beg of you as His Majesty's representative, and as such we trust that your Excellency will review the whole position as a neutral observer, for else where can we seek refuge?

We are your Excellency's most obedient petitoners.

Sgd: D Musoke, A Ganya, Y Mulindwa, S Bazongere, H Kanyike, S Musajalumbwa, T Serwadda, S Spire, PK Kiyingi.

Bwe waayitawo ekiseera nga tebafunye kuddibwamu kwe kuwandiika nate ebbaluwa eno ejjukiza.

No 33/45
His Majesty's Central Prison, Luzira Uganda
25th Sept 1945

His Excellency the Governor in Council
Entebbe
u.f.s. The Commisioner of Prisons, Kampala
u.f.s. The Ag Superintendent of Prisons, Luzira

Sir

Re: Our Previous Petition to Your Excellency

About a fortnight ago, on the 14th Sept, we forwarded a petition to your Excellency concerning our detention and deportation. We are now most humbly writing this reminder to your Excellency because so far nothing has been heard regarding it. We have not even been favoured with an acknowledgement. May we also take this opportunity to point out for your Excellency's kind consideration that apart from the anguish of an unknown crime, we are suffering terribly due to our being completely cut off from our

families, nor were we permitted to hand over our businesses. Any family man must feel what a dreadful thing this is.

*This treatment is rendered much more painful by our complete ignorance of the offence for which we are being held. The other hardship, from which we beg to be relieved is the fact of our being kept 22 hours daily in a closed room. We have complained to the Prison Superintendent and to the Commissioner. They considered the question sympathetically, but regretted that under the orders under which they were holding us, the only alternative possible was the condemned yard. The yard in question, as your Excellency will understand, is most intolerable under the circumstances (***eyo ye yakozesebwanga abo abasaliddwa ogw'okufa nga balinda okuwanikibwa ku kalabba***) and so we regretfully refrained from complying with the offer. Our eyes particularly and our physical health generally, are badly being affected. This is your Excellency a very acute point to us. Thus we are now humbly petitioning your Excellency kindly consider our previous petiton and these, our requests, sympathetically.*

We have the honour to be Your Exccellency's most obedient petitoners:

JR Mulindwa, Shem Spire Mukasa, T Serwada, P Kiyingi, SM Bazongere, D Musoke, SM Musajalumbwa, H Kanyike, A Ganya

Bwe baalaba nga Gavana yeesuliddeyo gwa naggamba, kwe kukubira omukulu w'amatwale e Bungereza essimu eno, nga beyongera okwerwanako:

377
Decode of Telegram to the Secretary of State
26/9/45
Despatched 9th Oct 45

Following is the text of a message to you from Thirteen detainees begins. Fourteen Baganda detained per Deportation Ordinance Governor alleges in official communique those Baganda connected with Katikkiro assassination. Humble petitioned Governor. Hearing and trial both refused. We positively deny allegations. Before exercising powers Governor never in any manner called upon any of us explanation as essential. Denied any and all communications with families and businesses. Measures adopted very unjust and highly repressive. Pray grant us trial and commission for general stability of once peaceful country. End

Govine
Copy to GH
Resident, C/o Prisons

Ebbaluwa ezo zirabika zavaamu ebibala birungi. Abasibe baatandika okubakkiriza okufulumangako okuva mu kisenge ekyenzikiza okulaba ku njuba, n'okwota ku musana okumala ekiseera ekiwanvuko. Baabawa yard endala eri mu luggya lwe fumbiro, so si eri Condemned Yard ey'abalinda okuwanikibwa ku kalabba (deathrow prisoners), gye baasooka okubawa. Kyokka Omuzungu kyabeeredde omuzibu, laba ebbaluwa gyeyabaddamu nga agitaddeko olunaku lw'omwezi 5/10/1945, kyokka nga baagifuna luvannyuma nnyo:

The Secretariat
P.O. Box 5
Entebbe, Uganda
5th October 1945

Gentlemen,

I am directed to refer to your petition of the 25th September to the Governor and to inform you, that your previous petition of 14th Sept 1945 was acknowledged on 25th September 1945. Since his Excellency has already authorised you to see your lawyers, it is not understood why you should have any difficulty in handing over your businesses. His Excellency has ascertained that there is no question of your being kept 22 hours daily in a closed room, since in fact you are allowed, during most of the day, the exclusive use of the fuel yard and from 4.30pm to 7pm you have the exclusive use of the main yard. His Excellency does not consider that these conditions of confinement are either oppressive or unsatisfactory.

I am, gentlemen, your obedient servant

GN Faquhar
Chief Secretary

Ebbaluwa envanyuma eno yayongera okuwewusa obulamu bw'abasibe. Eddembe lyeyongera, nga buli omu wayagalira okufulumako ebweru we kisenge okwetaaya, wafulumira. Kino kyeyongera okuba bwekityo okutuusiza ddala lwe bawangangusibwa okuva mu Buganda.

7.10 Okuwangangusibwa kwabwe

Abasibe bano mu kubawangangusa baabatwala mu bibinja bisatu. Ekyasooka kyalimu abantu 8: Henry Kanyike, Matiya Wamala, Shem Spire, Joshua Kamulegeya, Sirasi Musajjalumbwa, Temusewo Serwadda, Samsoni Bazongere ne Yusufu Baamutta. Abo baatwalibwa Kitgum mu Acholi, era baasitula nga 6 November. Eky'okubiri kyatwalibwa Moroto mu Karamojja. Mu kibinja ekyo mwe mwali Paulo Kiyingi, Daudi Mukubira, Semyoni Njuki ne Yusufu Mulindwa. Baasitula nga 3 December. Ekibinja eky'okusatu kyalimu Haji Alamanzani Gaanya (omumyuka wa Katikkiro) ne Stanley Kitaka Kisingiri (omuwi wa magezi eri Kabaka). Ekyo kyatwalibwa ku bizinga bye Ssese. Oluvanyuma abo beyungibwako Omulangira Yusufu Suuna ne eyali Katikkiro Samwiri Wamala

Ekiragiro ekibawangangusa (Deportation Order) kyawandiikibwa ne kiteekebwako omukono nga 7/11/1945, era kyasoma bwekiti:

The Deportation Ordinance "Ch. 53. Revised Edition 1935" Order.

Whereas it has been shown by evidence on oath to my satisfaction that Paulo Kiyingi of the Buganda Province has conducted himself so as to be dangerous to peace and good order in the Buganda Province of the Protectorate;

And whereas it appears necessary for the purpose of preventing a recurrence of such conduct, that the said Paulo Kiyingi should be deported from the said Buganda Province of the protectorate;

Now therefore, I hereby order that the said Paulo Kiyingi of the Buganda Province be deported from the Buganda Province of the protectorate to Moroto.

Made at Entebbe, under my hand and the public seal of the Protectorate;

This 7th day of November 1945.

Signed
John Harthorn Hall
Governor.

A.R. Gregg
Attorney General
7th November 1945.

Oluvanyuma ekiragiro kino kyakyusibwamukko, ne kisoma "Kitgum" mu kifo kya "Moroto". N'abasibe abalala nabo baafuna ebiragiro ebyabwe nga bifaananako nga ekyo.

7.11 Okutwalibwa kwa PK

Mu mwezi gwa December, nga ennaku z'omwezi 2, olunaku lwali lwa Sunday, mukyala we ENK awamu n'abenju yabwe baasiiba basiba ebintu byebagenda nabyo (bakkirizibwa okugenda n'ebintu byomumaka byebaali basobola okutwala, n'abaana babiri awamu n'omuwereza omu). Akawungeezi, loole ye motoka eyawerezebwa Gavumenti yajja n'etikka ebintu ebyo nga kuliko n'abaserikale ababikuuma ne bitwalibwa ku office ya Resident Buganda e Kampala. Mu kiseera ekyo office ya Resident yali awo nga awali East African Development Bank, okutunuulira High Court.

Mu matulutulu agaakeesa olwa Monday 3rd December, Eseza awamu n'abaana Kaggulire ne Bbosa baagenda n'abemukwano awamu n'abenganda zaabwe ababawerekerako, ku office ya Resiedent Buganda. Eyo gye yasanga bakyala banne aba basibe bali abaasooka okutwalibwa e Kitgum, awamu n'abakyala ba Semyoni Njuki, Daudi Mukubira ne Yusufu Mulindwa nga bali n'abenganda zaabwe n'abemikwano, nga nabo baatuuse dda. Nga omuntu ali awo, wamma negubula omukombi.

Mu kakyo ako bus mangu ago yatuuka ne balagirwa okulinnya, nga officer omuzungu eyali avunanyizibwa, asoma amanya gaabo abaali balinnya. Ekyo nga kiwedde nga bamaze n'okuteekamu entanda yabwe ey'ebyokulya, bus yejjawo n'eyolekera erye Luzira ku kkomera okunona abasibe. Ziba ziwera saawa nga ssatu, abasibe ne baleetebwa. Bus n'eggulirwa oluggi olwa wankaaki we kkomera n'eyingira okubajjayo. Baatuuzibwa mu bifo eby'omumaaso, nga bakyala baabwe n'abaana batudde mu bifo ebye'mabega. Bus, nga erimu n'abaserikale ab'emmundu, yafuluma ekkomera n'eyolekera erye Hoima. Yakulemberwa motoka erimu omuzungu wa Polisi Mr V.E. Bald, n'abaserikale abeebagalidde emigemerawala, ate nga n'emabega nayo bwekiri. Tewaali kuyimirira kwonna mu kkubo nga bayita mu bubuga nga Wakiso, Kakiri, Busunju, Bukomero, Kiboga, Wattuba ne Bukwiri. N'ekyemisana baakirya bali mu kutambula. Baasala omugga Kafu ne batuusibwa e Hoima nga obudde bwa ggulo, era oluvannyuma lwokutwala abasibe e Masindi mu komera ate abakyala n'abaana baakomezebwawo e Hoima ne basuzibwa mu kigango, mu kiseera ekyo ekyali kitwalibwa nga ekisulo ky'abagenyi. Mu byendya, baali baweerebbwa emigaati, bbata, emikebe gy'ennyama n'ebyennyanja awamu n'ebijanjaalo.

Olunaku olwaddirira (4/12/1945), bweziwera essawa biri ez'oku makya abakyala n'abaana baalinnya bus yaabwe, era n'ebatwala e Masindi ku komera, okutikka abasibe buto. Omuzungu eyabakuumanga yali tajooga nga aweneenya n'embwa, anti yababuuza mu luzungu nti, "*Good morning boys*." Ekitegeeza nti, "Mwasuze mutyano balenzi?" Ekintu ekyo kyanyiiza nyo abasibe era ne bamunakuwalira nyo.

Baasitula okwolekera Gulu mu Acholi. Baatuuka ku mugga Kafu nate, awo nga gumaze okwegatta ku mugga Kiyira (*River Nile*), ku mwalo Atura port esaawa nga 5 ez'enkya; ze mailo nga 57 okuva e Masindi. Baasomosebwa omugga ogwo awamu n'emotoka zaabwe nga beyambisa ekitisali, oba ekidyeri nga abamu bwe bakiyita. Okuva awo, yogayoga nga bali Gulu ku ofiisi ya District Commissioner, ku saawa nga 8 ez'olweggulo. Bwe baamala okwanjulwa ewa D.C., ku saawa nga 9 kwe kusitula okwolekera erye Kitgum. Baasala omugga Aswa (*River Aswa*) ku saawa nga kumi n'ekitundu, ne baatuuka e Kitgum nga obudde buwungeera. Baatukira mu nkambi mwe baali batadde bannaabwe bali omunaana be baasooka okutwalayo. Bannaabwe baabasanyukira nnyo, gwe ate era nga bano be baali baleese abakyala wamu n'abaana baabwe. Mangu ago nga batuuse e Kitgum baalagibwa enyumba ezaali zizimbiddwa mu ngeri y'ekiteeteeyi nga netooloovu (*round houses*) era nga ziserekebbwa n'essubi ery'embubu. Omwo mwe baali balina okusula buli omu. Awo PK ne ENK awamu n'abaana babwe Kaggulire ne Bbosa baatandika okuyingiza ebintu byabwe mu nyumba eyali ebawerebbwa. Enkeera nga 5/12/1945 lwe baalaba Officer Mr MaCabe eyabayitira mu biragiro ebinaabafuga nga bali e Kitgum.

7.12 Nga bali e Kitgum

E Kitgum eyo baamalayo ebbanga lya wiiki nga ssatu. Baafunanga ensako (Detention allowance) Gavumenti gyeyabawanga. Eyo gye baakozesanga okumala ebyetaago byabwe, nga okugula emmere gye baalyanga. Emmere gye baasinganga okulya gyebaagulanga mu katale yalinga lumonde na nsujju, awamu ne nnyama. Okwo nga kwogatta omupunga, obummonde obuzungu, ebijanjaalo, ebinyebwa, engaano ekolebwamu chapati n'omuzigo gwa ssamuli, ebyabawebwanga Gavumenti. Mu nkambi oba ekigango ekyo mwe baali bakuumirwa, mwalimu abantu bonna awamu abawera nga asatu mu musanvu 37. Naye tewaayita bbanga ddene ate newajjawo ekiragiro ekirala ekiva ewa Gavana. Kino kyali ate kiragira abasibe bana: Paulo Kiyingi, Yusufu Mulindwa, Daudi Mukubira ne Semyoni Njuki, bajjibwe e Kitgum batwalibwe e Moroto, nga okusookera ddala bwe yali entegeka. Ekiragiro kino kyasoma bwekiti:

The Deportation Ordinance, Ch. 53 Revised Edition 1935, Amendment Order.

Whereas by orders under my hand and the public seal of the protectorate dated the seventh day of November 1945, I have made orders deporting Paulo Kiyingi, Daudi Mukubira, Semyoni Njuki and Yusufu Mulindwa to Moroto;

And whereas by an order dated the twentieth day of November 1945, the said orders were varied by the substitution of the word Kitgum for the word Moroto in paragraph three thereof;

And whereas I consider it expedient to further vary the said order; now therefore, in exercise of the powers conferred on me by section 5 of the above-mentioned deportatoion ordinance, I hereby vary the said order by the substitution of the word "Moroto" for the word "Kitgum" in paragraph three thereof.

Made at Entebbe, under my hand and the public seal of the protectorate, this 12th day of December 1945.

Signed
John Hathorn Hall
Governor

Signed
R.L. Dreschfield
Attorney General
12/12/1945.

Bwebatyo baatandika buto ate okwetegekera olugendo lwe Moroto, ensi gyebaali bawulira obuwulizi mu nfumo, naye nga tebatuukangayo. Tebaalema kuddamu nate kweraliikirira biki ebyali bibalindiridde mu maaso. Olunaku lwebaali babalaalise olw'okusitulirako olwa 19 Desemba, tebaasitula. Naye ate kwolwo abasibe abalala basatu lwe baabegattako: Ignatio Musaazi, Fenekansi Musoke ne Joshua Kivu Mavumirizi, nga bajjibwa mu bitundu ebirala gye baali basoose okusibirwa, okuzzibwa e Kitgum. Bo abana baabalaalika olunaku olulala olwa 28 Desemba, nti ate lwe balisitula. Nga bakkalira, na kwetegekera Sekukkulu yabwe esooka mu buwanganguse.

7.13 Olunaku lw'Amazaalibwa 25 Desemba 1945

Olwa 24 Desemba baasula balaalike nti enkeera balina okwanguwa okutuuka mu Kanisa ku saawa nga 12 oba 1 ez'enkya, omusumba asooke asabise bo abasibe, n'oluvanyuma abantu abalala balyoke basabe. Buba busaasaana, essawa nga kumi neemu n'ekitundu nebalinya mu ddene. Waaliwo akatemerero kaweza mailo nga 3, kale okugenda okutuukayo nga esaawa ziruma mu emu n'ekitundu. Mu baagenda mwe mwali bano: Samsoni Bazongere ne Mukyala Bazongere, Paulo Kiyingi ne Mukyala Kiyingi, Sirasi Musajalumbwa ne Mukyala Musajalumbwa, Temusewo Serwadda ne Mukyala Serwadda, Yusufu Mulindwa, Henry Kanyike ne Mukyala Kanyike, Ignatio Musaazi, Fenekansi Musoke, Joshua Kivu, Matiya Wamala, Kaggulire Kiyingi, bonna nga bawerekerwako omuserikale abakuuma. Kirabika abalala tebaasobola kwerambika kagendo ako. Okusoma kwali kunyuvu, Joshua Kivu yeyasoma ebitundu, omwawule n'abuulira. Waaliwo n'okusembera ku meeza entukuvu. Okusoma nga kuwedde, bonna baddayo mu nkambi yabwe ekinyumu ne kitandika. Baalya nte namba. Emmere nayo yali nyingi: amatooke, lumonde, obummonde, mupunga, nsujju awamu n'enva endala za bika bingi. Ku saawa 11 ez'eggulo waaliwo okunywa caayi omuwomerevu n'okulya emigaati egiriko siyagi (butter), nga bweyali empisa. Awo Shem Spire Mukasa we yakukunulirayo omugaati gweyajja e Luzira Central Prison nga Novemba 6, n'agenda nagwo, n'agukuuma okutuusa lw'aligulya ku Sekukkulu. Bonna baagulyako, era ne beewunya obuyinza bwa Katonda eyabakungaanya mu kifo ekimu okulaba ekya magero ekyo, ku lunaku olwo. Anti abamu baali bavudde Gulu, abalala Lira, abalala baali boolekedde Moroto, ate nga abalala ba kusigala Kitgum.

7.14 Batwalibwa e Moroto

Oluvannyuma lwe wiiki esatu ze baamala e Kitgum, abasibe PK, Samson Njuki, Daudi Mukubira, ne Yusufu Mulindwa nga bali ne bakyala n'abaana baabwe ate baakyusibwa ne batwalibwa e Moroto, Karamojja negyebaba basibirwa. Baayitira Lira, Lango ne Soroti, Teeso. Baamala ennaku bbiri mu kkubo, nga olwo basuze e Lira ne Soroti. Ku lunaku olw'okusatu baasitula okwolekera Moroto, ne batuuka ku nsalo ya Teso ne Karamoja, ku nsozi ebbiri: Akisimu ku kono ne Napaka ku dyo. Awo

webaasokera okulaba abantu abatambula obukunya, ne bajjula ensonyi naddala olw'abakyala n'abaana okulaba ebintu ebiziba amaaso nga ebyo. Baatuuka e Moroto mu saawa za lwa ggulo. Bwebaamala okwanjulibwa ewa D.C. ne batwalibwa mu nkambi mailo nga emu okuva mu kibuga Moroto. Enkambi eno yali yetooloddwa (*fencing*) na miti egy'amaggwa amasongovu ennyo. Enyumba nga netooloovu (*round houses*) za biteeteeyi, ez'ettaka eritatuuka waggulu, nga nsereke n'essubi ery'embubbu, nga temuli nziji. Nga enfuufu eri omwo terojjeka. Nga embeera yazo mbi ddala eyali tegwana kusuzibwamu bantu abo.

Waaliwo okwerinda okw'amaanyi nga abasibe batuusibbwa, kuba baakumwanga baserikale ab'emundu, era ne bannansi baakalaatirwa obutagezaako kubasemberera. Nga okugenda mu maduuka, mu katale oba mu dwaliro bamala kukkirizibwa DC era nga bawerekerwa baserikale ba mundu, si bato si bakulu.

7.15 Obulamu mu nkambi e Moroto

PK ne ENK awamu n'abaana babwe baawebwa enyumba eringa ekidaala. Empewo eyalinga enyingi yabakommontanga ekiro, kyokka nga ate emisana akasana keememula n'ebbugumu nerijula okubatta. Obudde bwebwawungeeranga abaserikale abaakumanga nebasomba emiti egya maggwa ne bagiteeka mu mulyango oguyingira enkambi, anti yaliko omulyango gumu, ate nga eri mu ddungu eririmu amaggwa, nga emabega wayo eriyo omugga ogwali omunene ogwakulukusanga amazzi agaavanga ku lusozi Moroto.

Wayita ebbanga ttono ENK n'atandika okutawanyizibwa olubuto lwa Samwiri Kigwira Lutalo. Yalwala nyo era n'ekyavaamu n'azzibwa e Buganda. Ye PK n'asigala n'abaana baabwe bombi Bbosa ne Kaggulire.

Enkolagana ya PK ne banne yali nungi ddala era nga bonna balinga baaluganda, anti nga okulya baaliranga wamu bonna, era nga n'ebintu ebisinga obungi babikolera wamu. Mu ngeri eyo kyamuyamba nnyo okukuuma abaana be wadde nga baali bakyali bato, ate nga nyaabwe taliiwo. Kyokka nga tebalina kyebajulirira.

PK yali musajja mulima, kuba enkuba bweyatandika okutonnya yafuna enkumbi n'atandika okulima. Mu bingi byeyalima mwemwali kasooli, ebijanjaalo, ensujju, lumonde ne enva - ebintu ebyabala ennyo. Kino kyabayamba nyo mu kukyusakyusanga ku mmere okuva ku mmere enkalu. Mu kwongeza ku byokulya baasaba ab'enganda zaabwe okubawerezanga emmere eyavanga e Buganda. Kino nekikkirizibwa era nekibayamba okulyanga ku matooke, wadde oluusi gaatukanga gengedde - engeri gye gaalwanga mu kkubo, mayuni, mutere ne mmere endala etaasobokanga kufunika Moroto. Ennyama baalyanga nnyingi, n'amata nga nago mangi, engeri Karamojja gyeyali ejjudde ente.

7.16 Bazimbirwa enkambi endala

Oluvannyuma lw'okwekubira enduulu era n'ebintu nebituuka ku ntikko olw'obubbi obwali mu nkambi mwebaali, gavumenti yasalawo okubazimbira enkambi empya. Zaali nyumba za mizigo kyokka nga zizimbiddwa matoffaali, era nga nsereke na mabaati. Nga buli muzigo guliko ekisenge kimu, eddiiro ne sitoowa. Era kwaliko effumbiro n'ezisulwamu abawereza (*boys' quarters*). Nga ziwedde abasibe n'abantu baabwe baakyusibwa nebadda mu nkambi eyo. Olwokuba enkambi empya yali nnene ddala, baayungibwako ne bannaabwe ekkumi n'omu be baali balese e Kitgum.

7.17 Paulo Kiyingi afuna omuwereza

Bulijjo nga enkyukakyuka bwezitatera kuleeta birungi byerere, kuluno PK yesanga nga obulamu bwe butuuse mu katyaabaga, kuba olwo yali takyayinza kukolagana na banne nga bwebaali nga tebanabajuuluula. Kino kyajja olwokuba nti amayumba gaabwe gaali tegakyali wamu, nga gatabuddwatabuddwaamu abapya. Olwo yali atandise okwefumbira, awamu n'abaana be abaali bakyali abato ddala. Kyeyava asaba akkirizibwe afune omwanawe (mwana wa mugandawe) Douglas Nkonge Kaweesa, ajje mu ttuluba ery'okumuwereza nga amuyamba. Yakkirizibwa. Ekyo kyali bwekityo kuba buli musibe baamukkirizanga okubeera ne mukyalawe, abaana babiri wamu n'omuwereza, era nga bonna Gavumenti ebawa ensako buli omu. Nga bamaze okumukkiriza wayita akaseera katono omwanawe oyo Nkonge n'atuuka n'atandika okumuyamba, naddala ku bato banne beyayamba ennyo okulabirira.

7.18 Okusoma kw'abaana ba PK abaali mu buwanganguse

PK yagezaako nnyo ye kennyini okusomesa abaana abo, era yakozesa obukujjukujju okubafunira omusingi kwebatandikira (*Basic Infant Education*). Awo n'Omwami Henry Kanyike eyali omusomesa (Omukulu w'essomero Aggrey Memorial School e Bunnamwaya) weyabasangira. Mw Kanyike yassaawo ekibiina n'atandika okusomesa abaana ba Bamwoyo Gwa Gwanga bonna, ekyayamba ennyo abaana abo obutasigala mabega mu by'okuyiga.